BUUZA KAMISONA

# Jeans ne T-Shirt bigenda kussibwako omusolo omupya?



Akulira URA, Musinguzi.

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.



Edduuka mwe batunda jjiini ne T-Shirt.

**Twawuliddeko nti waliwo omusolo omupya ogwaleeteddwa ku mpale za jean ne T-shirts. Nsaba kuntangaaza ku nsonga eno.**

Emisolo gyonna emipya gitandika okukola ng'omwaka gw'ebyensimbi gutandika, so si mu makkati gwagwo. Noolwekyo, nsaba ogumiikirize omwaka gw'ebyensimbi ogujja gutandike.

**Omukulu Kamisona, nsaba kuntangaaza oba nga ddala enkola ya groupage yawerebwa.**

Enkola ya groupage, ng'eno mwe muyitira abasuubuzi abatasobola kujjuza konteyina okwegattira awamu ne batikka konteyina tewerebwanga! Ekyawerebwa, y'enkola y'aba Container Leaders mwe bagatta ebyamaguzi by'abasuubuzi ab'enjawulo nga bwe bituuka e Mombasa oba mu Uganda, ba Container Leader basaba abasuubuzi ensimbi okubasasulira omusolo. Enkola ekkirizibwa eri nti, oyo ayamba abasuubuzi okuyingiza ebyamaguzi bw'abituusa, ateekeddwa okuwa buli nnannyini mugugu House Bill ne yeekolera ku nsonga ez'omusolo ng'akozesa TIN ye.

**Waliwo abakozi ba URA abakola ebikwekweto ne bakwata ebintu ne babizza e Nakawa, bwe bagenda okuddamu okubala, kizuulibwa nga tewali bisukkamu.**

**Mu mbeera eno URA enoonya embeera yonna w'esasuliza abasuubuzi ekitono ennyo akakadde kamu. Lwaki ebikwekweto ebyo bibaawo naddala ku akeedi okutundibwa engoye okuli eya Ham, Nabugabo n'endala.**

Okuva enkola y'okubalirira omusolo ku ngoye lwe gyakyusibwa okuva kw'eyo eyaliwo okudda ku kubalirira nga tusinziira mu kkiro, waliwo abasuubuzi abakozesa enkola ey'ekifere ne bagezaako okwebalama okusasula omusolo omutuufu, ng'eno y'ensonga lwaki ebikwekweto eby'enjawulo bikolebwa okumalawo omuze ogwo. Abasuubuzi bakubirizibwa okwewala ebikolwa by'okukendeeza omusolo ogusasulwa, olwo beewale okutaataaganyizibwa mu mirimu gyabwe.

**Kamulegeya e Wandegeya; mwebale aba URA okubeera ekyokulabirako ne muggyawo Container gye mwali mwateeka okumpi n'e Kikuubo mu Kampala. Mulinawo ekiseera kye muwa bizinensi za Bannayuganda nga tebannasasula musolo nga zaakatandika?**

Mwami Kamulegeya, mu nnongoosereza z'omusolo ez'omwaka guno (2025/26), bizinensi yonna etandikibwa Munnayuganda okuna nga 01 July 2025 ne kapito atasukka bukadde 500 esonyiyibwa okusasula omusolo ku nnyingiza okumala emyaka esatu, ssinga eba etuukiriza obuvunaanyizibwa okuli okukuuma ebiwandiiko n'okussaamu litaani mu budde.

## Sirina bizinensi yonna naye nfuna obubaka obummanja omusolo

**Sirina bizinensi yonna, kyokka nfuna obubaka ku ssimu okuva mu URA nga bantegeeza bwe mmanjibwa 5,402,390/- ze baagala nsasule obutasukka 30/6/2026 nsobole okufuna ekisonyiwo n'obutasasula ngassi eya 3,978,886.**

Omuntu yenna buli lwe yeewandiisa okufuna TIN, ateekeddwa okutubuulira ekika ky'ennyingiza gy'alina. Ebiseera ebisinga omuntu bw'atulaga bizinensi mu kwewandiisa, ateekeddwa okussaamu litaani nga kino bw'atakikola, System yaffe eteebereza omusolo n'emuweereza obubaka obumujjukiza okugusasula.

Noolwekyo, kyalira ofiisi yaffe ekuli okumpi weekenneenye bye wawaayo ng'owandiisibwa ku musolo. Bwe kizuulibwa nga kuliko bizinensi kyokka nga togirina, TIN yo yaakukolebwako enkyukakyuka mu kimanyiddwa nga Amendment.

## Musolo ki ogussibwa ku atunda ettaka?

**Moris Ssekajja: Musolo ki ogwassibwa ku ttaka bw'oba olitunda era gwa ssente mmeka?**

Mwami Ssekajja, omuntu yenna bw'aba atunda ettaka ng'ekyobugagga kya bizinensi ye (Business Asset), taggyibwako musolo gwa Capital gains. Kyokka bw'aba atunda ettaka lye ng'omuntu, asasula omusolo gwa Capital gains, nga n'oyo alimugulako bw'aba yaweebwa olukusa lw'okukung'aanya omusolo gwa Withholding tax, bw'aba amusasula amuggyako ebitundu 6 ku 100 (6%). Bw'oba olina bizinesi y'okutunda ettaka, oggyibwako omusolo ku nnyingiza ya bizinensi yo ogumanyiddwa nga Income tax.

## Okugula mmotoka ne sikyusizaawo kaadi yaayo nfuna buzibu ki?



**Kabi ki akali mu kugula emmotoka ne sikyusizaawo kaadi yaayo?**

Emitawaana gy'obutakyusa kkaadi ya mmotoka oluvannyuma lw'okugigula giwerako era gye gino wammanga:

- Okuvunaana eyagitunda. Bwe wabaawo omusango ogukoleddwa omuvuzi w'emmotoka omuggya, bwe kizuulibwa nti ekyali mu mannya g'eyagitunda, nannyini mannya ago y'avunaanibwa ku misango egyo.
- Emmotoka gy'oguze n'otogikyusa mannya, tosobola kugikozesa nga musingo mu mbeera yonna.
- Bwe weetaaga okusaba nnamba endala eyaayo bw'eba egudde oba akatabo kaayo, tosobola kusaba nnamba oba katabo kalala.

Noolwekyo, nkubiriza buli aguze oba okutunda emmotoka okukakasa nti obwannannyini bwayo bukyuka obutasukka nnaku 14.